# Okutereka ensigo z’omuceere

Ensigo z’ebimera kintu ekirina obulamu era omutindo gwazo gusereba mu kiseera nga ziterekeddwa. Walina okubeerawo ebikolebwa mu kaseera k’okuzitereka okukendeeza ku kusereba kw’omutindo.

Omutindo gw’omuceere mu kaseera k’okugutereka okusingira ddala gusinziiira ku mazzi agagulimu. Omuceere bwe guba tegukaze bulungi nga tegunnaterekebwa, gugonda, gufuna ebbugumu era gubeeramu amazzi wabula kino kijja kukosa obwangu bw’endwadde n’ebiwuka okulumba omuceere era ekinaavaamu kwe kusereba kw’omutindo gwomuceere. Okukozesa ensigo eziwerako ez’omutindo kiyamba okukendeeza obungi bw’ensigo ezeetaagibwa era zijja kuvaamu amakungula agawerako mu ssizoni (omwaka) eddako.

## Omuceere ogw’omutindo

Okufuna omuceere omulungi, londamu obulimba obungi mu nnimiro era mu kukungula buteeke wabbali. Wewa era ogwanike ku mmeeza, olwo oguteeke mu kipipa oba ekirala kyonna ekituuziddwa ku mmeeza. ebipipa oba ebintu mw’oteeka omuceere byoze bitukule era bikale bulungi nga tonnabikozesa. Ebintu by’oyinza okukozesa okutereka omuceere mulimu; ebisuwa ebya pulaasitiika, emikebe, wamu n’ebipipa. Bwe biba bisuwa by’ebikozeseddwa, bisiigibwa vanishi munda ne kungulu, oyinza okukozesa eddagala eriyitibwa tar oba butto afumbyeko okuziyiza empewo okuyingira mu muceere nga eyita mu kintu mw’ogutadde.

## Engeri y’okugupakiramu n’entereka

Oluvannyuma lw’okukala obulungi, omuceere guteeke mu kintu mw’oyagala okugutereka gujjulire ddala. Bw’oba tolina muceere mungi gumala kujjuza kintu ekyo, omuceere ogunnyikiddwako oba omusenyu omukalu guyinza okukozesebwa okujjuza amabanga agalekeddwawo agayinza okubeeramu empewo. Era osobola okuteeka omusubbaawa ogwaka mu kintu ky’otaddemu omuceere egobemu omukka gwonna oguba gukyali mu kintu ekyo omuli omuceere ekitta n’ebitonde ebyonoona omuceere ebiyinza okubeera munda

omwo. Ku ntobo ne waggulu mu kintu ekyo mw’otadde omuceere, oyinza okussaamu taaba omukalu oba ebikoola by’omuti oguyitibwa neem okugoba ebitonde ebyonoona ebirime.
Laba nga ekintu mw’otadde omuceere tekituuzibwa ku ttaka okukendeeza obukuku awamu n’ebitonde ebyonoona ebirime.